# Ensonga nnya lwaki olina

# OKUMWENYA



## Smile 1: Katonda ddala akwagala.

**“Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw’ati, n’okuwayo n’awayo omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n’obulamu obutaggwawo”** (Yokaana 3:16)

Ng’ojjeeko engeri gyewewulira oba by’oyiseemu, amaanyi g’okwagala kwa Katonda gy’oli tegakyuka. Yawayo omwana we omu yekka kululwo asobole okukufuna. Eno y’emboozi esinga obukulu ey’omukwano.

## Smile 2: Yesu yafa ku lulwo.

Obukakafu bw’ okwagala okwannamaddala ye muntu okukkiriza okuwayo obulamu bwe ku lwa mukwano gwe. Era teri kwagala kwa nnamaddala kusinga kuno. Ebyafaayo bikakasa nti Yesu yaliwo era n’afa ku musaalaba. Era Bayibuli egamba nti yafa ku lulwo nange.

**“Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda.”** (Abaruumi 3:23)

**“Kubanga empeera y’ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwawo mu Kristo Yesu Mukama waffe.”** (Abaruumi 6:23)

**“Naye Katonda alaga okwagala kwe Ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n’atufiirira”** (Abaruumi 5:8)

**“Eyawebwayo olw’ebyonoono byaffe n’azukira olw’okutuwesa obutuukirivu.”** (Abaruumi 4:25)

## Smile 3: Katonda alina ekigendererwa eri obulamu bwo.

**“Kubanga mmanyi ebirowozo bye ninna gyemuli, bw’ayogera Mukama, ebirowozo eby’okukulaakulanya sso ssi kukulumya,ebirowozo by’okukuwa essuubi n’ebisera ebirungi eby’oluvannyuma.”** (Yeremiya 29:11)

Emabega wa buli mulimu ogw’ekikugu wabaayo omuyiiya wagwo. Mu buli mulimu ogwekikugu wesigamyeyo ekigendererwa lwaki gwakolebwa. Oli wa muwendo nnyo eri Katonda era ddala alina ekigendererwa kulw’obulamu bwo. Ekigendererwa ekisooka ekya Katonda gy’oli kwe kumanya okwagala kwe. Ekigendererwa kya Katonda eri obulamu bwo kijja kweyoleka (okulabika) nga bw’olina okukkiriza mu kwagala kwe gy’oli.

## Smile 4: Leero lunaku Lwo.

**“Laba kati lwe lunaku lwo olw’obulokozi.”**
(2 Abakkolinso 6:2)

**“Ye (Yesu), Katonda n’amuzuukiza ku lunaku olwokusatu era n’amulaga mu lwatu.”** (Ebikolwa by’Abatume 10:40)

**“Kubanga bw’oyatula n’akamwa ko nti Yesu ye Mukama n’ okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olilokoka.”** (Abaruumi 10:9)

N’omukka gwennyini gw’ossa kirabo okuva eri Katonda. Yakutonda mu kifaananyi kye era akwagala nnyo. Jjukira nti tolina bukakafu bwa nkya naye olina omukisa kati okwenenya ebibi ofune ekirabo ky’okwagala kwa Katonda okuyita mu Yesu Krisito. Omusaalaba tegwali njogera ya bunafu oba akabonero k’ebyobufuzi bw’eddiini naye wabula amaanyi ga Katonda okutunaazako ekibi, ekyavamu okufuna emirembe ne Katonda. **Kale nno tofa nga tolina Yesu.**

# Tolinda, Saba Kati.

## Saba essaala eno nange.

Kitaffe ali mu Ggulu, mu linnya lya Yesu, nsonyiwa ebibi byange. Nzikiriza nti Yesu Kristo Mwana wo, era yaliwo n'afa era n'omuzuukiza okuba omulamu nate. Byonna byali bwebityo kubanga onjagala. Mukama Yesu, jangu mu mutima gwange era obeere mukama w'obulamu bwange. Mpa obukakafu obw'obulokozi bwange nga ye Mwoyo Omutukuvu wo okujjula omutima gwange, ng'omwana wa Katonda omulamu. Mu linnya lya Mukama waffe Kristo Yesu nsabye. Amiina.

## Essaala yange gyoli.

Kitaffe Katonda, mu Linnya lya Yesu, nsumulula amafuta g'Omwoyo Omutukuvu okubikka omuntu ono n'oku-muyamba nga gamenya buli lujegere lw'okutabulwa n'obutakkiriza. Nsaba bamalayika abaweleza betoolole omwagalwawo ono, bamukuume era bamuyambe. Taata yongera okubikkula amazima go n'okwagala kwo eri omuntu wo ono ow'omuwendo.
Wonya omubiri gwe era osumulule endowooza ye.
Mu linnya lya Yesu. Amiina.

## Tukwaniriza eri:

**©2019 Global Reach Ministries. Used by permission**
**www.foursmiles.com**